OBWAKABAKA BWA BUGANDA

EKIRANGO KY'OMULIMU EKYOMUNDA (INTERNAL ADVERTISEMENT)

EKIFO: <u>OMUKWANAGANYA W'EBYOBULAMU</u> (PRINCIPAL HEALTH OFFICER)

ALABIRIRA EMIRIMU GYO: MINISITA W'ENKULAAKULANA Y'ABANTU

OLUNAKU: 08/05/2023

A. <u>OBUVUNAANYIZIBWA (DUTIES AND RESPONSIBILITIES)</u>

Okuwanirira Minisitule y'Ebyobulamu ng'etuukiriza obuvunaanyizibwa bw'Okukwanaganya Ebyobulamu mu Bwakabaka mu ngeri zino wammanga:

(1) Okukwanaganya Emirimu egikolebwa mu Minisitule y'Ebyobulamu gyonna.
(2) Okunoonyeza Obwakabaka obuvujjirizi n'obuyambi obulala bwonna mu byensimbi ng'oyita mu kuwandiika "proposals".
(3) Okukolanga enteekateeka y'emirimu (workplans and operational plans) eya Minisitule n'okulondoolanga ebikolebwa.
(4) Okukolange alipoota ez'ebbanga eggere (periodic reports) eza Minisitule nga bwonoobanga olungamiziddwa.
(5) Okuteekateekanga embalirira ya Minisitule eya buli mwaka.
(6) Okussa mu nkola ebyo ebyasoosowazibwa mu nteekateeka Nnamutaayiika ey'Obwakabaka nga bivunaanyizibwako Minisitule y'Ebyobulamu.
(7) Okuwanga amagezi ag'ekikugu ku nkola y'emirimu gya Minisitule.
(8) Okuteekerateekeranga Minisita w'Ebyobulamu ebiwandiiko eby'enjawulo omuli okwogera (speeches), alipoota, enkola (policies), ebbaluwa n'ebirala nga bwonoobanga olagiddwa Minisita.
(9) Okusikiriza abavujjirizi ne bannamikago (formation of strategic partnerships) okukolagana n'Obwakabaka bwa Buganda wamu n'okunyweza enkolagana ezaatondebwawo edda.
(10) Okukwanaganya enteekateeka y'emikolo gya Minisitule naddala ensiisira z'ebyobulamu.
(11) Okumanya n'okulondoola emirimu gyonna egikolebwa bannakyewa mu Minisitule.

B. <u>Ebisaanyizo by'omuntu anoonyezebwa okukola omulimu guno:</u>

a) Obumanyirivu mu nsonga z'ebyobulamu naddala mu nteekateeka za pulojekiti ez'enjawulo obutakka wansi wa myaka esatu.
b) Obuyigirize obw'eddaala lya diguli mu ssomo ery'ekuusa ku by'obulamu obufuniddwa okuva mu ttendekero eriri mu mateeka.
c) Alina Diguli ey'okubiri (Masters) mu ssomo eryekuusa ku by'obulamu n'ebbaluwa mu kuteekateeka pulojekiti (PGD - Project Planning and Management) ajja kuba n'enkizo ku mulimu guno.
d) Emyaka egy'obukulu egitasukka 40 era nga tegikka wansi wa 28.
e) Obwagazi n'obumalirivu okuweereza Ssaabasajja Kabaka.

C. EMITENDERA GY'OKUSABA OMULIMU:

ALINA EBISAANYIZO N'OBUSOBOZI OKUKOLA OMULIMU GUNO WEEREZA OKUSABA KWO NGA KULIKO EBBALUWA ESABA OMULIMU, EBIKUKWATAKO(CV), EBIWANDIIKO BY'OBUYIGIRIZE, N'ABANTU BASATU ABAKUMANYI OBULUNGI (REFEREES) NGA KULIKO N'ENDAGIRIRO WAMU N'ENNAMBA Z'ESSIMU ZAABWE - OBUTASUKKA KU LWOKUSOOKA NGA ***22/05/2023 SAAWA KKUMI N'EKITUNDU****(4:30PM) KU EMAIL: ps@buganda.or.ug ne szake2001@gmail.com (zombi ziweerezeeko) eri:*

OMUWANDIISI OW'ENKALAKKALIRA
WOFIISI YA KATIKKIRO
BULANGE, MENGO
P.O. BOX 7451, KAMPALA

Weetegereze: *Abaami n'abakyala abalina ebisaanyizo n'obusobozi okukola omulimu guno mulina emikisa egy'enkana okuguvuganyaako era n'abo abali mu buweereza bw'Obwakabaka nga balina ebisaanyizo ba ddembe okugusaba.*

Ssaabasajja Kabaka Awangaale!